MASAKA DIOCESE

OFFICE OF THE BISHOP

Bishop's House, P. O. BOX 70, Masaka, Uganda (East Africa)

OBUBAKA BW'OMUSUMBA W'E MASAKA OBW'EKISIIBO 2025

"*Muyuze emitima gyammwe naye si byambalo byammwe*" (*Yoeli* 2:12), ly'eddoboozi lya Katonda eryomwanguka erijja gyetuli mu kiseera kino eky'Ekisiibo. Atuyita tukyukire gyali mu mutima, mu mazima, sso si mu bya ku ngulu byokka. Era tujjukizibwa ennanga butonde yaffe nga tusiigibwa Evvu: "*Ayi Muntu, Jjukira ng'oli nfuufu era mu nfuufu mw'olidda*" (*Amasooka* 3:9). Kumpi kutwegayirira tuleme kwerabira nti tuli bitonde bya Katonda; nti ku nsi tuli bagenyi; nti eriyo olunaku olw'okulamulibwa, olunaku olw'okuwoza obuwanika. Kano ke kadde akatukuvu Mukama k'atuwadde okwekebera, okudda gy'ali, KADDE KA KWEDDAABULULA - **obwonoonyi bwo/bwange bugasimbagane n'obutuukirivu bwa Katonda.**

"*Muyuze emitima gyammwe,*" kwe kugamba, "mwekolemu omulimu ogw'okwezza mu kisinde ky'ebiragiro bya Katonda". Tosoosowaza kukungiriza bubbi, bwenzi, butemu, butasoma Ssande, bugayaavu, buyombi, butawa ndobolo, buli mu muliraanwa wo, mukyala wo, mwami wo, NEDDA. Sooka wetunulemu ggwe wennyini ate olyoke otaase omulala. Luka Omutuukirivu atugamba "Sooka weggye ekisiki mu liiso lyo, awo lw'onoolaba obulungi n'oggya akasubi mu liiso lya muganda wo" (*Luka* 6:41). Ku nnyonyi bakugamba nti sooka wesseeko *Oxygen mask* awo otaase newankubadde omwana wo yennyini gwe watambudde naye ku nnyonyi. Mu Kisiibo kino nno "twebeereremu" tuleme kwerabira nti: FFE ABAVUNDA TULINA OKWAMBALA OBUTAFA MU YEZU KRISTU. KINO EKIFA KIRINA OKWAMBALA OBUTAFA (*1Kor* 15:54).

Awo nno oba tuli bagenyi tudde mu kudooba budoobi oba kwekubagiza?

Nedda, wabula tweyune omulanga Paulo Omutume gwatukubira: "Abooluganda abaagalwa munywerere ddala temusagaasagana: mwongere okukola bulijjo omulimo gw'Omukama nga mumanyi nti mu Mukama timukolera bwereere" (*1Kor* 15:58).

Mbasaba twegayirire nnyo abakristu fenna tutegeere nti: Tuli balamazi ab'essuubi mu Kristu Omukomerere. Tunnyikire obwetaavu bwe tulina okufuna Penetensia ne Eukaristia olunye anti mu Masakramentu mwe muli enneema Mukama waffe Yezu Kristu Yennyini ze yatulekera okututukuza. Amasakramentu ke ka 'greese' ak'okweddaabiriza, okweyozaako obutalagge, okwenywereza ku Ye OBUTAFA, OBUTAVUNDA BWAFFE.

Tusabire nnyo abakuuma ddembe aba buli mutendera beewale okukozesa eryanyi (BRUTALITY) ku bantu be balina okukuuma ate n'okukuuma ebyabwe. Abantu okuyisibwa ng'ensolo, kituswaza ng'eggwanga. Abayisibwa batyo obamatiza otya okwagala eggwanga lyabwe?

Tusabire nnyo Omutukuvu Paapa Francisko assuuke obukosefu. Atusaba tusabire amaka agatabanguse, eddagala galizuule mu kusonyiwa ne mu buli omu okulaba ebirungi mu munne yadde nga bafunyeemu obutakkaanya. Ate mu bubaka bwe obw'Ekisiibo kino atukuutiridde okutambulira awamu mu ssuubi, nga buli omu afa ku munne.

Twegogole mu mwoyo, mu mubiri, n'ebitwetoolodde. Tukuume Obutonde bw'ensi: Tandikira mu maka go, tandikira awo w'okolera, *Hygiene is health and Health is hygiene*. "Keep Masaka Diocese clean." Abasuula ebisawo bya *pampers* z'abaana, ebikutiya bya kasasiro… mu mikutu gy'amazzi, mweddeko mu Kisiibo kino. Abatanaaba mubiri kutukula mwekoleko.

Abasajja mu Masaka Diocese batukulembeddemu ku mulimu gw'okuzimba BIRINZI ewa Karooli Lwanga Omujulizi. Nsaba, Shs. 2,000 ezaayisibwa okusondebwa buli Mukristu olw'omulimu ogwo, nga tonnatoola kirala mu Kisiibo kino z'oba osooka.

Mbaagaliza Ekisiibo eky'emikisa n'enneema.

+ Serverus Jjumba
OMUSUMBA W'ESSAZA LY'E MASAKA

Kitovu, nga 5 March 2025